# Museveni alangiridde okukwata ababba ez'Emyooga mu Ntebbe



Pulezidenti Museveni ne mukyala we nga bali n'abamu ku bakulembeze mu Wakiso n'abalala abeesimbyewo.

Bya JOSEPH MUTEBI, PETER SSAVA, GODFREY SSEMPIJJA ne VIVIENE NAKITENDE

PULEZIDENTI Museveni alangiridde nga bwe yataddewo akakiiko k'abakugu b'ababalirizi b'ebitabo okuzuula abantu ababba ssente ez'Emyogga era essaawa yonna bagenda kuzizza.

Museveni okuva mu mbeera kiddiridde abamu ku bakyala b'e Ntebbe ku kyalo Kiryamuli - Kirumba mu Kajjansi okumuloopera ng'abamu ku bakulira ssente z'Emyooga ne PDM mu kitundu kyabwe bwe baababgyako ssente okubawandiisa okufuna ssente zino naye oluvannyuma bawaako mikwano gyabwe.

Kino kyatabudde Museveni n'abuulira banna- Ntebbe nga bwe yamaze edda okuteekawo akakiiko akazudde ababadde babba ssente zaabwe era bagenda kuzizza.

Yategeezezza ab'e Ntebbe ne Wakiso okutwaliza awamu nti bwe babeera baagala obuweereza bubatuukeko mu mangu ku mulundi guno balonde abakwatidde NRM bendera ku mitendera gyonna olwo kigenda mubeerera kyangu okutegera ebibaluma.

Museveni yagambye nti NRM mu myaka 40, ekulaakulanyiza Uganda era buli kitundu kikuze nga n'emirembe mwegiri mu ggwanga kubanga wano e Ntebbe waabangawo loodibulooka nga we banyagira abantu okuli n'abavubi kyokka okuva lwe twakwata obuyinza buli kimu kyatereera.

"NRM we yakwatira Kampala, ebitundu nga Nansana waali nsiko, Matugga kati bibuga ebikulidde ddala obulungi.

Yagambye nti mu kiseera kino twagala eggwanga nga buli muntu alina ssente okwawukana n'amawanga nga mulimu abantu ba mirundi ebiri okuli abaavu n'abagagga.

Yabasabye abasobola okukolera awafunda mu Ntebbe wadde kyafuuka kibuga ne mu bitundu nga Kasenyi, Nakawuka n'ebirala ebyetooloddemu okulunda embizzi , enkoko, embuzi, ente wabula ebimuli byo babireeke kubanga byetaaga ssente nnyingi bya bagagga.

Yeeyamye nga bwe bagenda okukola oluguudo lwa Nakawuka okutuuka e Kasanje kubanga ssente baazifunye.

Aba boda boda mu Wakiso, Ntebbe, Makindye Ssabagabo ne Kampala, Museveni yabasuubizza nga bw'agenda okubateera ssente mu SACCO zaabwe basobole okwewola ate bo abavubi nabo waakubawa ssente z'okwewola.

Museveni yasabye buli Munnayuganda okubaako ky'akola omuli n'abo ku mizigo nti basobola okulima enva endiirwa mu bikebe, ennanansi, okusoma ebyemikono omuli okukola engatto, okwokya abyuma, okutunga engoye n'ebirala.

Yalaze ababazzi b'e Ntebbe abaali bakolera e Nsambya ku luguudo bwe yabaggyawo n'abazimbira ekifo eky'omulembe e Kigo nga okuva e Kajjansi okudda e Munyonyo kati banoga nsimbi mu kifo ekiyonjo.

'Kyali kisusse Bannayuganda obutawagira bintu bikolebwa wano kubanga ffe abantu abalina emiti mu bibira byaffe tutandika tutya ate okusuubula entebe okuva e Dubai mu ddungu. Yagambye nti ekibuga ky'e Ntebbe kigenda kufuna amakoleero agakola ebintu nga tegavaamu mukka okusobozesa okukuuma ekibuga kyaffe nga kiyonjo' Museveni bwe yategeezezza

Mukyala w'omukulembeze w'eggwanga era minisita w'ebyenjigiriza Janet Museveni yagambye nti okujja e Ntebbe twasoose kuggulawo kkanisa ya St John's Ntebbe era olunnaku lwa leero lwatandise bulungi ddala.

"Okungaanira awamu kiraga Katonda kyatukoledde mu myaka 40 ku lwa Uganda. Emirembe okubeera obumu n'obutebenkevu ku lwa Uganda nga Katonda akozesa Museveni n'amagye okukuuma Uganda" Janet Museveni bwe yategeezezza.

Yasabye Bannayuganda obuteerabira eggwanga lyaffe gye livudde nga Katonda bwe yagamba abaana be Yisirayiri.

Yasabye abantu b'e Ntebbe - Wakiso obuteerabira kujja kulonda nga January 15, 2026 era balonde buli akwatidde NRM bendera ku mitendera gyonna.

SIPIIKA wa Palamenti era omumyuka wa NRM owookubiri Annet Anita Among yeebazizza nnyo Museveni okukola oluguudo lwa Kampala - Entebbe Express High Way olwakendeeza ku jjaamu okuyingira ekibuga n'okukifuluma.

Among yategeezezza nga Museveni bw'agenda okukola enguudo okuli Lubugumu - Busaabala nga bayisizza obuwumbi 35. Ntebbe - Luwafu obuwumbi15, olutindo lwa Ntebbe - Nakiwogo obuwumbi 23.

Ssebo weebale kukkiriza okutuzimbira akatale k'e Kajjansi ak'omulembe gattako oluguudo lwa Nateete okutuuka e Nakawuka. Among yagambye nti wadde Ntebbe ali mu Wakiso, naye ab'e Wakiso eddwaliro lino libeera wala era baawadde gavumenti yiika musanvu n'ekitundu babazimbireko eddwaaliro eddene.

Yasabye Pulezidenti okwongera ku ssente za PDM kubanga ntono nnyo ate ng'ekitundu kinene.

Omumyuka wa ssentebe wa NRM asooka Moses Kigongo yagambye yabasabye akalulu kano nga January 15, 2026 bajje mu bungi okukasuula.




Ab'e Lubaga abaakulembeddwa Ndase nga balaga obuwagizi.